# Bannyonnyodde ku bya Mobile Money

ya HANNINGTON NKALUBO

NKOLA ya Gavumenti ey'okugg-
ako yintanenti etandise okunyiga
uli muntu bwe kizingiddemu
babadde bayisa ssente ku ssimu
Mobile Money) nga kati tok-
asobola kuziggyayo.

Buli agenda ku Mobile Money
maanyi gamuggweeramu awo
we bakamutema nti tasobola
uggyayo ssente ku ssimu okug-
yako ng'ayagala kuzisindikira
untu .

Omu ku bakola ku mobile mon-
y mu kitundu kya Pepsi Cola e
ugogo, Justine Namazzi yayoged-
e ku mbeera mwe bakolera nti
bi nnyo kubanga tewali asobola
uggyayo ssente ku ssimu.

"Bakasitoma bakaaba, abaa-
ala ssente bwe bakimanya nti
zivaayo nga bawotoka," Namazzi
we yagambye n'agattako nti kino
bakosezza ng'abakola bizinensi
'mobile money'.

Yayongeddeko nti ssente z'alina
u ssimu eziyitibwa 'float' bwe
naamuggwaako kiba kitegeeza
ina kugenda mu bbanka oku-
na endala, oba okudda awaka
atuule okutuusa
yintanenti lwe
baligizzaako.

Namazzi
yagambye nti
abataakitegedde
ne bataggyaayo
ssente bali mu
buzibu kubanga
tebakyasobola
kuggya ssente ku
ssimu zaabwe.

Bangi ku bakola
emirimu egitambu-
lira ku mitimbagano okuli ababad-
de bayitira sipensulo [Uber] ku
ssimu tebakyasobola. Abasuubuzi
ababadde balagiririza ebyama-
guzi n'okulondoola entambuza
ya konteyina zaabwe ku ssimu
tebakyasobola.

Ababadde baatandikawo
amadduuka ga kompyuta oku-
somesa abayizi mu luwummula
byayimiridde. Ababadde balina
Internet café n'abalina amaduuka
agatunda eddagala oba Super
Market ezikolera ku mutimbagano
baayimiridde kati bakozesa lisiiti.

Byonna bino byatuuseewo
ku Lwokubiri ku ssaawa 12:00
ez'akawungeezi, ekitongole ekifu-



Ssekitto

ga ebiweereze-
bwa ku mpewo
n'emitimbagano
mu ggwanga
ekya Uganda
Communication
Commission
[ UCC] bwe
kyawadde
essaawa ttaano
zokka abantu
okwetegeka nti
kigenda kugg-
yako yintanenti
olw'abamu ababadde
bagikozesa obubi n'aba-
yinza okugikozesa obubi
mu biseera by'okulonda.

Ekiwandiiko ekyassid-
dwaako omukono gwa
ssentebe w'ekitongole, Nyombi
Thembo , kyalaze nti kyayimirizza
yintanenti y'olukale, okutunda
n'okuwandiisa kaadi empya
ssaako okutunda data. Kyokka
ekiwandiiko kyakanze bangi era
essaawa bwe zaaweze 12 nga
kitandikiddewo okukola.

Embeera eno ekosezza aba-
suubuzi. Ssentebe w'ekibiina kya
KACITA, Issa Ssekitto yagambye
nti embeera buli omu yagitegedde




Bakasitoma ku kayumba ka 'Mobile Money'.

nti kino kyakoleddwa kwetege-
kera kulonda wabula n'asaba nti
olulala Gavumenti esaana ekozese
amakubo amalala naye lino liy-
itiridde okubanyiga.

"Abamu ebintu babigulira ku
mitimbagano ate abalala kon-
teyina zaabwe bazirondoolera
ku mitimbagano nga ziyingira
eggwanga era embeera etunyize
nnyo, " Ssekito bwe yagambye.

Ate akulira FUTA Thadius
Musoke yagambye nti ekirimu
buli omu kimunyiga naye kya
kaseera buseera ate kyakoleddwa
kusobozesa bantu kulonda mu
ddembe n'eggwanga lyongere
okuba mu mirembe.

Bangi ku abalina amaduuka
n'obumeeza obukola ku Mo-
bile Money bwaggaddewo dda
ababadde babukolako balindi-
ridde kulonda kuggwe balyoke
baddemu okukola.